OKUWANJAGIRA ABAJULIZI ABATUUKIRIVU AB'OMU UGANDA

Ayi Mukama otusaasire
Ayi Kristu otusaasire
Ayi Mukama otusaasire
Ayi Kristu otuwulire

Ayi Mukama otusaasire
Ayi Kristu otusaasire
Ayi Mukama otusaasire
Ayi Kristu otuwe

Patri ow'omu Ggulu Katonda Otusaasire
Mwana Omununuzi w'ensi Katonda Otusaasire
Mwoyo Mutuukirivu Katonda Otusaasire
Trinita Omutuukirivu Katonda Omu Otusaasire

Maria Omutuukirivu Otusabire
Karoli Lwanga Omutuukirivu Otusabire
Matiya Mulumba Omutuukirivu Otusabire
Yozefu Balikuddembe Omutuukirivu Otusabire
Dionozio Ssebuggwaawo Omutuukirivu Otusabire
Andrea Kaggwa Omutuukirivu Otusabire
Pontiano Nngondwe Omutuukirivu Otusabire
Atanansi Bazzekuketta Omutuukirivu Otusabire
Ggonzaga Ggonza Omutuukirivu Otusabire
Nowa Mawaggali Omutuukirivu Otusabire
Lukka Baanabakintu Omutuukirivu Otusabire
Yakobo Buzaabalyawo Omutuukirivu Otusabire
Ambrozio Kibuuka Omutuukirivu Otusabire
Gyaviira Omutuukirivu Otusabire
Anatoli Kiriggwajjo Omutuukirivu Otusabire
Achileo Kiwanuka Omutuukirivu Otusabire
Kizito Omutuukirivu Otusabire
Mbaaga Tuzinde Omutuukirivu Otusabire
Mugagga Lubowa Omutuukirivu Otusabire
Mukasa Kiriwawanvu Omutuukirivu Otusabire

Adolfu Ludigo Omutuukirivu Otusabire
Bruno Sserunkuuma Omutuukirivu Otusabire
Yoanna Maria Muzeeyi Omutuukirivu Otusabire
Daudi Okello ne Jildo Irwa Abeesiimi Mutusabire
Abajulizi Abatuukirivu ab'omu Uganda, mmwe abaagoberera Yezu Kristu mu kubonaabona Mutusabire
Abajulizi Abatuukirivu ab'omu Uganda mmwe Abaanywerera ku Yezu Kristu ne mumufiirira Mutusabire

Kaliga ka Katonda ggwe aggyawo ebibi by'ensi
Otusonyiwe ayi Mukama.

Kaliga ka Katonda ggwe aggyawo ebibi by'ensi
Otuwe ayi Mukama.

Kaliga ka Katonda ggwe aggyawo ebibi by'ensi
Otusaasire ayi Mukama.

v/ Ayi Abajulizi ab'omu Uganda, Abatuukirivu, Mutusabire.

R/ Tulyoke tusaanire Yezu Kristu bye yatusuubiza.

TWEGAYIRIRE

Ayi Mukama waffe Yezu Kristu, Ggwe eyawa Abajulizi Abatuukirivu ab'omu Uganda; Karoli Lwanga, Matia Mulumba ne bannaabwe, amaanyi ageewuunyizibwa; era naffe n'obatuwa tubalabirengako empisa ennungi ey'okukkiriza n'ey'obuzira, ey'Obutuukirivu n'ey'okwagalana era n'ey'obwesigwa: Tukwegayiridde, Abajulizi abo nga bwe batusabira, otuwe okweyongeranga bulijjo mu mpisa ennungi ezo, n'okutakabanira eddiini ey'amazima okugibunya wonna. Ggwe awangaala ng'owanngamye mu Bwakabaka bwo, emirembe n'emirembe. AMIINA